# KCCA ogobye mmotoka okusimba ku Kampala Rd. ne Jinja Rd.

Bya HANNINGTON NKALUBO

KCCA eweze mbagirawo mmotoka zonna okusimba ku nguuudo bbiri olwa Kampala Road ne Jinja Road, okulwanyisa jjaamu mu kibuga.

Ekitundu okutandikira ku masang'anzira ga Ntebe Road w'agattira ku luguudo lwa Kampala Road awaakazibwako 'ku bitaala bya Ntebe Road' n'okugenda ku luguudo lwa Jinja Road okutuuka ku Kitgum House tekukyakkirizibwako mmotoka.

Ebifo bya kkampuni eddukanya okusimba mmotoka mu kibuga eya Multplex byaggyiddwaawo era abavuzi b'ebidduka ne babalagira okusimba ku nguudo eziriraanye oluguudo olwo. Babalagidde basimbe ku luguudo lwa Nasser ne Nkruma, Station Road ne Burtonn n'awalala.

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwe Abiine yagambye nti, baataddewo kkampuni ekubye layini okulaga nti ebifo omubadde musimbibwa mmotoka byaggyiddwaawo ku nguudo zino. N'agamba nti, bagenda kulamba enguudo endala okuzziddwa ebifo



Oluguudo baalutaddeko n'aba pikipiki we bavugira.

## Abantu kye bagamba



**Mohammed Nkata:** Enguudo enfunda bw'ozigattako okusimbako mmotoka ezitatambuza basaabaze oba okaluubiriza abantu. Kino kirungi kubanga akalippagano kagenda kukendeera.



**Alex Mutyabule:** Nsanyukidde nnyo entegeka eyo. Tubadde tetulina wadde we tuggyiramu omusaabaze nga enguudo zijjudde. Batukuba ebipapula nti, tusimbye bubi kyokka enguudo bo bennyini be bazijjuza.



**Juliet Nantale:** KCCA yasooka n'ezimba obuguudo obufunda ate n'ebuteekako mmotoka. Y'ebadde etusibyeko akalippagano nga n'aba ttakisi bwe baba baagala okuggyamu omusaabaze mmotoka terina w'eyimirira.

omusimba mmotoka naddala ebweeru w'ekibuga.

Yagambye nti, kino bakikoze okukendeeza ku kalippagano ku nguudo zino kubanga zassibwamu ebitaala mya mirundi ebiri naddala ku kitundu kya Railway nti ssinga balekawo mmotoka ezisimba ebbali, kyakukaluubiriza ab'ebidduka. Entegeka eno ekoleddwa mu kiseera nga bbaasi za KCCA zaatandika dda okukola, esanyusizza abamu ku bannakampala. Aba ttakisi nabo bategeezezza nti kigenda kubanguyiza okutambulira obulungi ku nguudo zino.

Swaib Mukasa ddereeva mu ppaaka enkadde yategeezezza nti, babadde bakaluubirizibwa okuggyamu omuntu kuba oluguudo luba lukwatiridde mmotoka. Yategeezezza nti, n'ebipapula bye babadde babakuba ku luguudo luno, bibadde byekuusanga ku kusimba mmotoka awakyamu, nga banoonya we bapaakinga okuggyamu abasaabaze ne wababula olw'omujjuzo.

Yawadde KCCA amagezi, etunuulire n'enguudo endala naddala eziri ku ppaaka za ttakisi.

Kyokka Nuwe Abiine yatangaazizza nti, enguudo zino tebazitaddeewo ate kutikka na kutikkulirako. N'agamba nti, kino tekiggyeewo kkampuni ya Multplex, era ekyaddukanya entambula. Yategeezezza nti, kati ebizimbe bingi birina paakingi nga n'ebimu baabizimba nga byakusimbamu bidduka byokka tebikolerwamu kintu kirala.